WEEKAKASE KATONDA

Era Kisoma bwe kiti:

Awo Eriya Omutisubi, eyali . . . atuula *e Gireyaadi, n'agamba Akabu nti MUKAMA Katonda wa Isiraeli nga bw'ali omulamu, gwe nyimiririra mu maaso ge, tewaabenga musulo newakubadde enkuba mu myaka* essatu *gino, wabula ng'ekigambo kyange bwe kiri.*

Awo ekigambo kya MUKAMA ne kimujjira nga kyogera nti,

Va wano, okyuke ogende ebuvanjuba, weekweke awali akagga Kerisi—Kerisi, (kye ntegeeza) *akoolekera Yoludaani.*

Awo olulituuka onoonyweranga mu kagga; era ndagidde banamuŋŋoona okukuliisiza . . .

Awo n'agenda n'akola ng'ekigambo kya MUKAMA bwe kyali: kubanga yagenda n'abeera awali akagga Kerisi akoolekera Yoludaani.

Awo bannamuŋŋona ne bamuleeteranga emmere n'ennyama enkya, n'emmere n'ennyama akawungeezi; n'anywanga mu kagga.

Awo olwatuuka ddaaki, akagga ne kakala olw'obutaba nkuba mu nsi.

Awo ekigambo kya MUKAMA ne kimujjira, nga kyogera nti

Golokoka *ogende e Zalefaasi, ekya Sidoni, obeere eyo: laba ndagidde omukazi nnamwandu ali eyo okukuliisanga.*

Awo n'agolokoka n'agenda e Zalefaasi: awo bweyatuuka ku wankaaki w'ekibuga, laba omukazi nnamwandu ng'ali eyo ng'alonda enku: n'amuyita, n'ayogera nti, Nkwegayiridde, nkimira, otuzzi mu kibya, nnywe.

Awo ng'agenda okugakima, n'amuyita n'ayogera nti, Nkwegayiridde, ndeetera akamere mu mukono gwo.

N'ayogera nti, nga MUKAMA Katonda wo bw'ali omulamu, sirina mugaati, wabula olubatu lw'obutta mu ppipa n'otufuta mu kasumbi: era, laba, nsennya enku bbiri nnyingire nneefumbire nze n'omwana wange, tubulye, tufe.

Awo Eriya n'amugamba nti, Totya; genda okole nga bw'oyogedde: naye sooka obunfumbiremu akagaati,

okaleete gyendi, *oluvannyuma weefumbire wekka ne . . . omwana wo.*

Kubanga bw'atyo bw'ayogera MUKAMA *Katonda wa Isiraeri nti eppipa ey'obutta terikendeera so n'akasumbi k'amafuta tekaliggwaawo, okutuusa ku lunaku* MUKAMA *lw'alitonnyesa enkuba ku nsi.*

Awo n'agenda munda n'akola nga Eriya bw'ayogedde: omukazi, naye, n'ennyumba ye, ne baliira ennaku nnyingi.

Eppipa ey'obutta teyakendeera so n'akasumbi k'amafuta tekaggwaawo, ng'ekigambo kya MUKAMA *bwe kyali,* ekyayogerwa *Eriya.*

Olw'eky'okwogerako enkya ya leero, nga ssinnagenda mitala wa mayanja, nnonze eky'okuyigako, kino nti: *Weekakase Katonda.*

2 Era kakaano, Mukama, wa omukisa Ekigambo Kyo nga bwe kigenda mu maaso, era leka Omwoyo Omutukuvu atwale endowooza zaffe n'ebirowoozo byaffe, atuteeketeeke ku lw'okukyaala Kwe, nga bwe tumusabye okujja. Kubanga tetujja mu nyumba ya Mukama kulabibwa, oba okulaba, naye okuyiga ku Gwe, n'okutegeera enkula Yo, n'ekkubo Lyo, n'ensonga Zo, tusobole okweŋŋanga ebizibu by'obulamu, n'obukakafu obwa nnamaddala, nga tweekakasa Katonda. Kituwe, Mukama. Mu Linnya lya Yesu tukisaba. Amiina.

3 Gateekwa okuba nga gaali makya ga ntiisa. Ebbugumu lyali lisusse awamu n'enfuufu, era abantu baali ku nguudo, nga balumwa enjala, nga n'ensi ebuguma nnyo nga ebulako kujja. Bino byonna byali biva mu kwonoona kwabwe n'obuvundu bw'empisa zaabwe.

4 Olaba, Akabu ye yali afuga mu—mu Isiraeri, mu kiseera ekyo, oba atwala Isiraeri, era ye yali asinga obujeemu mu bakabaka ba Isiraeri bonna. Waali tewabeerangawo kabaka mujeemu kwenkana Akabu, kubanga ye, okuba nga yali yayigirizibwa nga ate amanyi okusingako, teyalema kweyongeranga kunyiiza Katonda mu buli kye yakolanga. Newakubadde nga yalina enkola ey'ekitalo ey'ekinnamagye, era nga n'abantu baali bakulaakulanye nnyo mu kufuga kwe, naye, ate, toyinza kunyiiza Katonda n'osuubira okweyongera mu maaso ebbanga eddene.

5 Era nate, ku mbaga ye, mu kifo ky'okuwasa okuva mu bantu be ye, yasukkawo n'agenda awasa omwonoonyi, omusinza w'ebifaananyi, okusinza ebifaananyi. Yawasa Yezeberi. Era teyali mukkiriza.

6 Era tewali mukkiriza akkirizibwa kuwasa atali mukkiriza, ka kibe kki. Bateekwa kuwasanga bakkiriza.

7 Naye Akabu yali akoze ekibi kino. Era tewali kubuusabuusa nti Yezeberi yali mukazi mubalagavu. Era yali yegombye ndabika ye, mu kifo ky'ekyo kye yali. Era, abantu bangi bazze bakola ensobi eyo n'okutuusa leero.

8 Era yali aleese okusinza ebifaananyi mu ggwanga, mu bantu. Era abantu, bakabona, abaweereza baabwe, baali bawanguddwa olw'ekintu kino abasinga obungi kye baali bayaayaanira.

9 Era kye kifaananyi kyennyini eky'eggwanga lyaffe leero. Tutwaaliddwa n'ekyo ekisinga okuyaayaanirwa. Awatali kubuusabuusa bakabona baalowooza nti tekijja kuba kibi, kasita gavumenti yaabwe eba nga ekikkiriza. Naye ssifayo kiki gavumenti ky'ekkiriza, kiteekwa kuba nga ky'ekyo Katonda ky'akkiriza. Era abantu baalowooza nti bijja kuba bulungi ssinga basuubirira mu bimu ku bintu byabwe eby'ensi.

10 Era omuntu ayinza okunsaba okuddamu bye nnaakamala okwogera, nti kifaananira ddala n'olwa leero. Tuyinza obutelowooza kuba basinza ba bifaananyi, naye kyetuli. Era ne gavumenti ekiwagira. Abantu leero basinza ba bifaananyi, kubanga ba—basinza ebifaananyi. Abamu ku bo basinza bazannyi ba ffirimu, nga ebifaananyi. Abamu basinza ssente, nga ebifaananyi. Ate abamu basinza bakazannyirizi ba televizoni, nga ebifaananyi. Naye kyonna ky'okulembeza mu maaso ga Katonda kiba kifaananyi, ka kibeere kiki kyonna.

11 Ne Setaani, omulabe waffe omukulu, mukalabakalaba nnyo, okutuusa nti ateeka, ebiseera ebimu, akulembeza ekkanisa nga agissa mu kifo kya Katonda. Muyinza okubeera n'ekkanisa ey'ekitalo. Kiyinza okuba ekizimbe eky'ebbeeyi, oba kiyinza okuba ekibiina ky'eddiini eky'ekitalo. Era, nate, kiyinza okuba ekibiina ekinene ennyo, naye toganya kintu kyonna kutwala kifo kya Katonda, mu mutima gwo. Ekintu kyonna ky'okulembeza mu kifo kya Katonda, kiba kifaananyi.

12 Era abantu bano baakimanya nti baali tebakyali ba mwoyo nga bwe baabeeranga, mu bufuzi bwa bakabaka abalala. Naye baalowooza nti, olw'okuba baali ggwanga linnaddiini, nti buli kimu kinaaba bulungi. Era naffe bwe tutyo bwe tutuuse mu mbeera y'emu.

13 Emyezi mitono egiyise nnali njogera ne mukwano gwange omulungi. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ndowooza olumiriza nnyo eggwanga lino erya Amerika." N'agamba nti, "Bulijjo obeera owuluguma eri ekibi n'engeri Katonda gy'agenda okubonereza eggwanga lino."

14 Ne ŋŋamba nti, "Ateekwa okukikola, okusobola okubeera omwenkanya."

N'agamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, werabidde nti eggwanga lino lyazimbibwa ku musingi gwa Byawandiikibwa.

Era bajjajjaffe bajja wano, era Katonda ye yatuwa obusika buno. Era tuli ggwanga linnaddiini."

15 Ne ŋŋamba nti, "Ebyo byonna, bituufu. Era tewali amanyi bwe nsiima ggwanga lino! Naye, labayo, muganda wange, Isiraeri nayo yali yalondebwa Katonda, era Yabasindikiranga bannabbi n'abasajja ab'ekitalo. Naye Katonda tayinza kugumiikiriza kibi. Yaleetera Isiraeri okukungula buli nsigo gye baasiga. Era oba nga yaleetera Isiraeri okukungula kye baasiga, naffe Ajja kutukunguza ebyo bye tusiga. Tasosola mu bantu."

16 Era tutuuse mu kifo we tulowooleza nti olw'okuba tweyinulidde kw'ebyo bajjajjaffe bye baakola, oba abatandisi b'amakanisa gaffe ab'amaanyi, okwewayo kwabwe okw'ekitalo eri Katonda bwe kwali, nga byonna birungi era bisiimibwa nnyo ddala, naye tetuyinza kufuna bulokozi okuva mu ebyo bye baakola! Obulokozi nsonga ya ssekinnoomu wakati wa buli muntu ne Katonda. Ssi na ggwanga lyaffe, ssi na kkanisa yaffe, wabula ffe bennyini mu maaso ga Katonda, gye twanukula.

17 Kituuse ku ssa mu ggwanga lyaffe, nga mu makkati g'abantu abasingayo okuba ab'omwoyo be tulina, ogenda eri abasajja n'abakazi ab'omwoyo, n'okizuula nga mu mitima gyabwe waliwo ekibulamu.

18 Tubadde, mu sabbiiti ntono eziyise, mbadde mpitaayita mu bimu ku bintu bino, ne nkizuula nti mu basajja be nnalowooza okubaamu omulamwa, kyokka ne nzuula nga essira balitadde ku bintu ebiggwawo, nga bagenda bagamba nti, "Katonda ampadde *kino-na-kiri* ebisinga obunene. Katonda ampadde. . . " Obeera oguumaaza buguumaaza.

19 Ebintu ebikwatikako ebyamaanyi tebitera kubeera mu kwagala kwa Katonda. Katonda atonnyesa enkuba ku balungi ne ku babi. Naye ensi kye yeetaaga leero ssi kwe kukkiriza okwa kiguumaaza, okugezaako okweguumaaliza mu kintu n'okiyita eky'omwoyo.

20 Ebiseera ebimu okukkiriza kujja kukola eby'amagero eby'amaanyi, naye nga era tebivudde mu mutima ogw'omwoyo. Mukama waffe teyayogera nti, "Bangi balijja Gyendi, ku lunaku luli, nga bagamba nti, 'Ssaakola *kino* na *kiri*, mu Linnya Lyo?' Era Ndibaatulira nti, 'Muve wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu.'" Obujeemu kye kiki? Kye kintu ky'okola nga omanyi ekituufu kyokka n'otakikola. "Ssibamanyangako," bw'Alibagamba. Era tuli mu kiseera ekyo.

21 Kye twetaaga leero ssi bintu ebingi ebikwatikako. Ebyo tubirina. Tetwetaaga makanisa matutumufu. Tetwetaaga bibiina bya bagoberezi binene. Tetwetaaga kubeera nnyo ku leediyo na ku televizoni. Tetwetaaga kwongerwako nnyo bintu bino. Naye kye twetaaga leero, okuba ab'omwoyo, ye muntu ajja okwetowaza mu maaso ga Katonda, ne bw'aba nga talina

wadde ennusu, asabe okutuusa nga omwoyo ali munda ye amatiziddwa n'obulungi bwa Katonda, ne wabaawo okudda obuggya munda mu mutima gwe, okukyuusa endowooza ye n'embeera mw'atambulira.

22 Oyinza obutaba wadde n'omugogo gw'engatto mu bigere byo, oyinza okuba nga oyambadde nziina, naye nga waliwo ekintu mu mutima gwo ekiyimba ennyimba za Katonda. Waakiri mbeera n'ekyo okusinga okubeera ne ssente zonna ez'omunsi.

23 N'olwekyo toyinza kugamba nti ebintu by'ensi bulijjo ke kabonero k'omukisa gwa Katonda. Dawudi ekyo yakigamba Mukama, nti yalaba omubi nga ayanyizza e. . .nga omuti omugimu. Naye Katonda n'amubuuza nti, "Wali olowoozezza ku nkomerero ye?" Ssi nsonga oba twambala engoye ennungi okwenkana wa, oba tulya bulungi okwenkana wa, ebyo ssi bye bigenda mu Maaso ga Katonda. Omubiri guno gwe tubeeramu, gusaanawo, ne bwe gulabirirwa gutya. Naye emmeeme eri mu muntu; embeera y'omwoyo y'egenda mu Maaso ga Katonda omulamu.

24 Naye tubitwala nga eby'okusaaga. Tulowooza nti olw'okuba tuli ggwanga. . . Bwebatyo Akabu ne Isiraeli yonna, mu biro biri, bwe baabitwala nga eby'okusaaga, nti buli kintu kiri bulungi. Ba kabona baabwe n'ababuulizi baabwe baali baagezaako okubagamba nti, "Mirembe. Buli kimu kiri bulungi." Naye baalinayo omu, eyawakanyizanga ddala ekikyamu, kubanga ono yali amanyi nti Katonda omutukuvu tayinza kumatizibwa na nkola ez'omulembe ez'eddiini etali ntukuvu.

25 Bw'atyo Katonda ow'omu Ggulu bw'asigala kye kimu ne leero. Mu kufuba kwaffe kwonna n'ebintu eby'amaanyi bye tugezaako okukola, Katonda talisanyusibwa kirala kyonna ekitali bulamu obutukuziddwa ddala mu maaso Ge.

26 Tuyinza okuzimba amasomero, n'ebiggwa, n'amakuŋŋaaniro. Tusobola okuba n'ebibiina. Tuyinza okukola ebintu ebikulu, naye era Katonda tajja kumatizibwa okutuusa nga emeeme y'omuntu efuuse etukuziddwa ku kyoto kya Katonda, nga eyawuliddwa okukola emirimu gya Katonda. Ate ekintu bwe kityo tekikyasangika.

27 Osanga enkuŋŋana zaffe ez'okusaba nga nnaffu nnyo, eddakiika nga emu yokka ey'okusaba, ne tubuukira ekitanda. Tukizuula nti ekyo kibaawo omulundi nga gumu oba ebiri olunaku. Nga, ffenna omusango gutusinga. Eggwanga lyaffe, mu mpisa, livunda. Tulina ba Billy Graham ne ba Oral Roberts buli wamu. Naye okutuusa nga wazzeewo ennyonta mu mutima gwa Amerika, okugikomyawo eri Katonda omulamu nate, eri obumanyirivu obulamu, eri okukkiriza okutafa mu Katonda omulamu, tutawaanya butawaanya bwongo bwaffe, nga, enjogera bw'eri.

28 Tuyinza okutambula nga ebifuba byaffe biri bweru, nga ebitogi byaffe tubitunuzza emabega, ne tutambula ku nguudo, nga twagala okuyitibwa "Dokita" oba "Levirandi." Tuyinza okusumba ekkanisa ezisingayo okuba ez'amaanyi mu ggwanga, era tuyinza okuba abegendereza nga bwe kisoboka, nga tewali na muntu ayinza kusonga lunwe ku bulamu bwaffe. Naye okutuusa nga emeeme eri munda mu ffe eri ku muliro ku lwa Katonda, okutuusa nga munda muli, mulimu ekintu ekimuyaayaanira! "Nga empeewo bw'ewejjawejja nga enoonya akagga, emmeeme yange erumwa ennyonta ku lulwo, Ai Katonda." Okutuusa nga tutuuse ku bumanyirivu obufaanana bwe butyo!

29 N'olwekyo, obwa nnaakalyak'ani, n'ebirala, bijja kweyongera mu maaso okuwamba nga bwe bikola, era n'okwegatta kwonna kwe tuyinza okukola tekusobola kukiziyiza. Kyalangibwa nti kiribaawo. Naye Katonda ayita Ekkanisa Ye.

30 Omukazi ono nga ateekeddwa okuba nga yali wa ngeri nga eya Eriya! Kubanga, bulijjo ebikolwa byo bye biraga kiki ky'oli. Ate, era, yali yalondebwa okulabirira nnabbi wa Katonda. Jjukira nti, yali Munnaggwanga, si Muyudaaya.

31 N'ensi yali esiriira. Era awatali kubuusabuusa omukazi ono, nga bwe yali ow'engeri eyo, ey'ekika ky'omukkiriza . . . Kubanga tulaba nti Katonda teyandimuyise, singa si ye yali asaanidde okulabirira nnabbi wa Katonda. Kubanga teyandisindise nnabbi We mu maka agatasaanidde.

32 Tekwali kusalawo kwa nnabbi. Kwali kusalawo kwa Katonda. Omukazi si ye yamusaba. Katonda ye yamulagira. Yali yateekebwa ku kagga. Ba nnamuŋŋoona bamuliisanga. Naye kyali kiragiro kya Katonda wabeewo ekibaawo. Era Katonda yagendera ddala eri omukkiriza ow'engeri yennyini nga eya Eriya.

33 Yali mukazi nnamwandu. Era ffenna tumanyi nga omukazi oyo, nga nnamwandu, bye yali ayitamu, nga bba amaze okufa ng'ate alina omutabani gw'alina okukuza.

34 Era mu nsi ezo, beesigamanga ku birime byabwe. Tebaalina pulojekiti nga ze tulina leero, ne—ne ebimera eby'okweekumisa. Besigamanga ku birime byabwe. Era olw'obujeemu bw'abantu, n'okuvunda kwabwe okw'empisa, byali bireese enjala mu ggwanga, wano bonna baali balumwa enjala nga bafa.

35 Era tulaba nti awatali kubuusabuusa yali asaba buli kiro, ekiro kyonna, nga alaba eppipa y'obutta ekendeera, nga ekendeera, nga ekendeera. Era kiteekwa okuba nga kyatuuka mu kiseera nga temukyaweramu yadde olubatu olw'obutta mu ppipa. Kyokka kye yalina lwali lubatu lwokka. Okufa kwali kusembedde ku mulyango, ku luggi lwe. Kubanga tewaali ngeri ndala ey'okufuna obulala. Eggwanga lyonna lyalimu enjala.

36 Era, amafuta, mwali musigaddemu nga kijiiko mu kasumbi. Amafuta ago gokka n'obutta obwo bwokka bye byali wakati we n'okufa. Ateekwa okuba nga yafuuka mwesimbu nnyo mu kusaba kwe. Ekyo leka kituukeko ewuwo, tujja kuba beesimbu nnyo okusingawo ku bwetuli amakya ga leero, bwe tumanya nti okufa kuli ku luggi.

37 Era nzikiriza, oba oly'awo twandirowoozezza, ssinakindi, kino, nti yali asabye ekiro kyonna, kubanga olunaku lumu lwokka lwe lwali lubulayo. Yatunuuliranga emimwa gya katabani ke ak'emyaka essatu oba ena nga gisiwuuse. N'alaba amagumba ge ye nga gaggwerera, nga omubiri gugaggwaako. Era kiteekwa okuba nga kyali kintu kizibu, nga maama ono, alaba ebintu bino bigenda mu maaso. Kyokka, ate, nga emikono gye giri eri Katonda, ng'asaba emisana n'ekiro, "Kati tusigazzaawo olubatu lumu olw'obutta n'ekijiiko kimu eky'amafuta."

38 Omanyi, kyewuunyisa. Leka Katonda aleetere kino okunnyikira mu buli omu ku mmwe, bwe mubanga temuzzeemu kumpulira nga mbuulira nate. Leka buno bubeere obubaka. Kyewunyisa, kyewunyisa nnyo, nti ebiseera ebimu Katonda bw'atyo bw'akola ebintu.

39 Omanyi, bwetuba twaatude ebibi byaffe nga tutuukirizza buli kisaanyizo Katonda ky'ayagala. . . Tukkirizza Katonda. Waliwo embeera ezirina okutukkirizibwa, era kiri mu kwagala Kwe. Era twaatudde ebibi byaffe, ne tutereeza, ensobi zonna ze twakola, nga tukoze buli kimu kye tumanyi okukola. Buli kisaanyizo Katonda ky'ayagala, oba ky'asaba, nga tutuukirizza ekisaanyizo ekyo, naye ate n'Asigala ng'asirise. N'atatwanukula.

40 Nkakasa nti njogera eri abantu, amakya ga leero, abatuuseko mu mbeera bw'etyo. Ngibaddemu, emirundi mingi, nze kennyini. Bwe nzizengayo ne nkebera obulamu bwange ne nvuunula buli jjinja, ne nzuula nti waliwo kye nasobya, mbadde nga ŋŋenda ne nkyaatula ne ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, nja kukitereeza," era ne ŋŋenda ne nkikola. Ne nkomawo nate ne ŋŋamba nti, "Kaakano, Mukama, ye Ggwe Katonda; Ojja kunnyanukula. Mazima ntuukirizza buli kyoyagala nkole. Na buli kisaanyizo kyonna, nkituukiriza." Kyokka n'Atabaako ky'agamba, n'alabika nga asirise, awo w'oteekedwa okubeera omukakafu nti Ye Katonda. Toggwamu maanyi. Ekintu kiri kimu, nti, mu mutima gwo, kwe kweekakasa Katonda.

41 Eky'okuyigako kyange. Weekakase, okusooka, nga tonnabaako ky'okola. Beera mukakafu, mu mutima gwo, nti Katonda. Era nga omaze okutuukiriza buli kye Yagamba, olwo oba mukakafu nti Ye Katonda, awo okukkiriza we kukolera, awo wennyini. Okukkiriza kunywera, kubanga kumanyi nti Waali.

42 Ng'omaze okutuukiriza buli kisaanyizo. Okkiriza nti Waali, era okukkiriza ne kunywera. O, Erinnya Lye liweebwe omukisa! Okukkiriza tekujja kusagaasagana, kubanga kukakafu nti Katonda waali, era ye mugabi w'empeera eri abo abanyiikira okumunoonya.

43 Kino leka kigendere ddala mu buziba obutabavaamu, Ekkuŋŋaniro lya Branham. Bw'oba otuukirizza Katonda by'ayagala, era nga mu mutima gwo okkiriza nti Waali, Katonda aba agezesa bugezesa kukkiriza kwo, kubanga ekyo ayagala okukikola. Oyatudde ekibi kyo era otuukirizza buli kimu Katonda kye yetaaga, kyokka n'Asigala nga asirise, jjukira nti, okukkiriza kugamba nti Waali. Olwo okukkiriza kukinywererako, nga tekumanyi lwaki, naye nga kumanyi nti Waali, era kukakafu nti Waali.

44 Olwo, jjukira nti, bwaba nga Waali, Ebigambo Bye biteekwa okuba ebituufu. Era bw'aba yayagala osisinkane embeera zino, era n'okikola, kimukakatako okulabirira Ekigambo Kye. Toddirira, n'ogamba nti, "Naye, ssaawonye. Nna . . . " O, ggwe ow'okukkiriza okutono, okunafu. Tokikkiriza ekyo. Buli kimu bwekiba kyatuddwa, era nga buli kimu kifulumizzidwa, ng'otuukirizza buli Katonda kye yeetaga, okukkiriza kunywerera awo wenyinni. Tewali kijja kukunyeenya. Waali, era oli mukakafu. "Abo abalindirira Mukama balizza buggya amaanyi gaabwe; balitumbiira waggulu n'ebiwaawaatiro by'empungu. Balidduka so tebalikoowa; bwe balitambula, tebalizirika."

45 Lindirira, bw'obeera otuukirizza ebisaanyizo Bye. Ekyo kireeta okukkiriza kwo mu kugezesebwa. Bw'oba otuukirizza . . . Katonda bye yetaaga nga bikoleddwa, oba nga bituukiriziddwa, era nga obyetegerezza bulungi, era nga okoze buli Katonda ky'akwagaza okukola, olwo okukkiriza kwo kunyweerera awo wennyini, nti Waali. Weekakase Katonda.

46 Omanyi, ayagala okutugezesa. Ayagala okulaba okukkiriza kwo kye kugenda okukola. Ekyo obadde okimanyi? Katonda ayagala okulaba engeri gy'ogenda okweyisaamu. Bw'ogamba nti, "Ai Mukama, nkukkirizza. Ggwe Mulokozi wange. Nzikiriza nti Ggwe Muwonya. Nzikiriza nti Ye Ggwe agaba Omwoyo Omutukuvu. N'ebintu bye nneetaaga, Ggwe Katonda abigaba." Olwo n'oyatula ebibi byo n'osuubiza Katonda by'ojja okukola bw'Anaaba akulese n'otereera, naye ate bwe kitabaawo, n'olyoka oddukira awalala ng'omutiitiizi. Eky'engeri nga eyo Katonda tasobola kukikozesa. Tewali ngeri gy'Ayinza kukukozesa. Tewali ngeri gy'Ayinza kukwaanukula, kubanga Ayanukula kuyita mu kukkiriza kwokka. Olwo, mbagirawo, n'ovaawo, n'Atayinza kukwanukula. Naye, okukkiriza kwennyini okw'amazima kunywerera awo, nga kukakafu nti Katonda waali. Beera mukakafu nti Waali.

47 Era Katonda bw'asaba ekintu kino kikolebwe, okwatula ebibi byo, n'ebirala, era nga okikoze, okukkiriza kugamba nti Waali, kukakafu nti kigenda kubaawo. Ekyetaago kyo kiteekwa okukuweebwa. O, nsu—nsuubira ekyo temugenda kukisubwa. Bw'oba nga weekakasa Katonda, Katonda yeekakasa Ekigambo Kye. Alindiridde bulindirizi kukugezesa.

Akikoze emirundi mingi. Leka twejjukanyeeyo omulundi nga gumu oba ebiri gy'azze akikola.

48 Leka tulowooze ku baana Abaebbulaniya. Baagaana okuvunnamira ekibumbe. Katonda yabalinamu obwesige. Era bwe baawulira nti baali bagenda mu kikoomi ky'omuliro, ne bagamba nti, "Katonda waffe asobola okutulokola mu kikoomi kino. Naye bw'Ataakikole, tetujja kuvunnamira n'ekimu ku bifaananyi byamwe." Olaba, baali bakakafu era nga beekakasa Katonda.

49 Baali bamanyi nti Ye Yakuwa. Baali bamanyi nti addamu okusaba. Naye oba nga ayanukude mu nsonga yaabwe, oba nedda, kyalina kuba kulwa bulungi. Kale baakola okwatula kwabwe, ne baatula ebyonoono byabwe, ne batambula nga boolekedde okufa.

50 Bwe baali bagenda eri ekikoomi ky'omuliro, baali bakimanyi nti bakakafu, nti, Katonda bw'abaleka ne bassirikka, Wa kuddamu abazuukize nate, mu kuzuukira. Baali beekakasa Katonda, kubanga baali bamanyi nti Katonda ajja kukola buli kimu ku lw'obulungi bwabwe. Era bwe tuba nga twekakasa Katonda, tumanyi nti Katonda akola buli kimu olw'obulungi bwaffe.

51 Bwebatyo, baayogera kimu. Baali bakakafu, era ne boolekera ekikoomi ky'omuliro. Era Katonda yabaleka ne bakyolekera; nga asirise, abatunuulidde. Nga ayagala alabe kye bagenda okukola.

52 Kabaka, bwe yabuuza nti, "Mwavunnamye ekkondeere bwe lyavuze?"

Ne bagamba nti, "Nedda. Tetwavunnamye." Okwo kwe kukkiriza kwo, nga kunywedde.

"Kale, kaakati, bwe muba nga temwavunnamye, mumanyi ekiragiro kyange?"

"Wewaawo, ekiragiro kyo tukimanyi."

"Ekiragiro kyange kiri nti ekikoomi kijja kwaaka emirundi musanvu okusinga bwe kyali kyaase, era nja kubakasukamu. Mwandyagadde kati okuvunnama?"

"Nedda. Tetujja kuvunnama." Okwo kwe kukkiriza kwabwe.

53 Katonda n'agamba nti, "Kale, ka ndabe kye bagenda okukola. Ka ndabe okukkiriza kwabwe kye kugenda okukola."

54 N'agamba nti, "Mubasibe emikono, mubasibe n'amagulu, mubatwale eri ekikoomi." Ne boolekera ekikoomi, n'omuliro nga gubali mu maaso. Katonda nga akyayimiridde, yetegereza. Naye baali bakakafu nti Yali Katonda. Baali bakoze okwatula kwabwe. Baali baatereezezza buli kimu, kye baali bamanyi. Baali bakakafu nti Ye Katonda.

55 Ne batambula butereevu nga boolekera ekikoomi ekyo eky'omuliro. Mu kaseera kennyini akasembayo, n'Ajja nga yebagadde okuva mu ggulu, ku gaali ey'embuyaga, n'abafuwako empewo empeweevu, nga bw'ababudaabuda ng'ayogera nabo.

56 Katonda aleka okukkiriza kwo ne kutuuka mu kifo we kubaako kye kukola.

57 Waaliwo Yobu, ow'Endagaano Enkadde, Sitaani, atuloopa, bwe yamuloopa nti mwonoonyi ow'omu kyama. Naye Yobu yali amanyi nti yali tayonoonye. Yali amanyi nti yali ayatudde buli kimu kye yali yakola, era ng'awaddeyo n'ekiwebwayo eky'okebwa. Ekyo Katonda kye yali yeetaaga. Ekyo kyokka Katonda kye yali yeetaaga, ky'ali ekiweebwayo ekyo eky'okebwa n'okwatula. Era Yobu ebyo yali abikoze.

58 Sitaani n'agamba nti, "Nja kutwaala eŋŋamira ze, kubanga musajja mugagga. Nja kutwala endiga ze." Ekyasembayo n'atwala abaana be, abaamuli ennyo ku mutima.

59 Era, Yobu yagaana okukyusa endowooza ye, kubanga yamanya nti Katonda, kubanga, yali mukakafu nti Ye Katonda, kubanga yali yayogera naye, era yali atuukirizza ebisaanyizo Bye. Yanoonyerereza ddala n'akakasa nti, "Mpaddeyo buli kiwebwayo ekyokebwa. Nnayogera mu mutima gwange nti, 'Oba oli awo batabani bange bwe baakola e—embaga, ne bawala bange ne bagyetabamu, oba oli awo bayinza okuba nga baayonoona mu kyama mu mitima gyabwe, n'olwekyo nja kuwaayo ekiweebwayo eky'okebwa ku lwabwe njatule okusobya kwabwe.'"

60 Ai Katonda! Omuntu bwe yekuuma Katonda kye yagamba okukola, aba mukakafu nti Ye Katonda, Ateekwa okw'anukula. Okukkiriza kumuyita n'alabisibwa, bulijjo.

61 Bw'oba ng'okoze ky'omanyi okuba ekituufu, ng'otuukirizza ebisaanyizo Bye, ng'oyatudde era n'otereeza, n'ozzaayo ebyetaagisa, n'okissa mu maaso ga Katonda. Sifaayo oba asirika kwenkana wa, asigala Ye Katonda, ng'alindiridde okuteekawo okukkiriza okwo. Okoze ebikolwa byo, kati Ayagala okulaba okukkiriza kwo olw'ebikolwa byo. Ayagala okulaba kiki ky'ogenda okukola.

62 Bw'oba osiigiddwa amafuta n'osabirwa, Katonda alindiridde okulaba kiki ky'onokkiriza ku nsonga eyo. Ssi kudduka ku Ssande ejja, n'odduka ne ku lunaku oluddako, ne lwe wanakyala asabira abalwadde omulala mu kibuga. Alindiridde kulaba kiki ky'onookola ku kukkiriza kwo. Ssi

kukomawo, enkeera, n'ogamba nti, "Mpulira bubi nnyo, ssirowooza nti nnawonye." Okusooka kwa byonna, tosaanidde na kubeera mu lunyiriri lw'abagenda okusabirwa. Tonnaba. Tonnaba. Tonnabeera, mwetegefu. Tokkiriza nti Ye Katonda. Ssi . . .

63 Oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, ssikkiriziganya naawe." Ebikolwa byo byennyini bye bikakasa ky'oli. "Mulibamanyira ku bibala by'abwe." Omuntu bw'agamba nti Mukulistayo, kyokka nga akyanywa omwenge, n'okufuuwa sigala, nga azannya zzaala, ng'abalaata ebitasaana, ng'agamba nti, "Ekitundu kya Baibuli ekimu kituufu, ate ekirala ssi kituufu." ayinza okubuulira Enjiri, kyokka ne yegaana ekitundu ku Baibuli, akyali mwonoonyi. Tannaterera, tannaba.

64 Naye bw'oyatula mu lwaatu nti Katonda ye Katonda y'omu, nga n'obulamu bwo buteekeddwa mu mikono Gye, kibeere nti, "Mukama, nze bbumba; Ggwe Mubumbi," olwo saba ky'oyagala. Okukkiriza tekuliseeseetuka. Kujja kusigala awo wennyini.

65 Newankubadde nga embeera erabika nga etabuse ku ddyo ne ku kkono, naye okukkiriza okwo tekuseeseetuka, kubanga okakasa nti Ye Katonda. Era bwaba nga Ye Katonda, Akuuma ekisuubizo Kye. Tasobola kukola kisuubizo ate n'akimenya. Bwaba Katonda, Ateekwa okukuuma ekisuubizo Kye. O, nkyagala ekyo. Ateekwa okukituukiriza.

66 Yobu yawaayo ebiweebwayo bye; yakola buli kimu. Yali akimanyi nti mutuufu. Ne wajja ba mmemba b'ekkanisa, agamu ku makanisa ag'ebibiina by'amadiini amalala, ne bagamba nti, "Yobu, wandyatudde bw'oli omw'onoonyi nalwo ne luggwa, kubanga Katonda teyandikulese kubonerezebwa bw'oti ssinga tobadde mwonoonyi."

67 Naye Yobu n'agamba nti, "Nnayatula dda. Nnawaayo dda ekiweebwayo eky'okebwa mu maaso ga Katonda, era ssiri mwonoonyi." Yali amanyi w'ayimiridde. Olwo buli kintu ne kigenda mu maaso, ne by'eyongera bweyongezi nnyo, nga byeyongera kuzibuwala, nga bigezaako okussa wansi Yobu, n'okutuusa Yobu w'ayinza okwegaanira Katonda n'okwegaana ekiweebwayo ekyo eky'okebwa. Akaseera kennyini w'okolera ekikontana n'okwatula kwo, kyoleka obunafu bwo, nti Katonda omubuusabuusa. Osaba Katonda ekintu kyonna, ate n'ogenda nga okibuusabuusa, olwo oli muntu abuusabuusa sso ssi mukkiriza.

68 Yobu yali amanyi w'ayimiridde, era yayimirira ng'annyweredde ku musingi ogwo.

69 Tekyewuunyisa Perronet yagamba, mu kaseera ke ak'okufa nti:

> Ku Kristo, Olwazi olugumu, kwe nnyimiridde;
> Awalala wonna musenyu ogukka.

70 Ku lwazi olwo olugumu olw'okwatula kwa Yobu, ne mukyala we omwagalwa yamwabulira. Obulamu bwe nga busaanyewo, ng'amayute gamubunye yenna, ne yeekwagula n'akolimira olunaku kwe yazaalirwa. N'agamba nti, "N'enjuba erekeyo okwaaka! Omwezi gusigale mu nnyanga ekiro."

Mukyala we n'agamba nti, "Yobu, ennaku ekuyinze. Lwaki tokolimira Katonda n'ofa?"

71 N'amuddamu nti, "Oyogedde ng'abakazi abasirusiru bwe boogera." Yali mukakafu nti waliyo Katonda, era nga yali atuukirizza ebisaanyizo. O, mpulira nga nnyingidde mu mwoyo. Yali amanyi nti atuukirizza Katonda by'ayagala, era ekyo kimala. Katonda yali agezesa kukkiriza kwe. Ajja kugezesa okukwo. Ajja kugezesa okwange.

72 Naye bwe tuba nga tutuukirizza by'Ayagala, "Mwenenye buli omu ku mmwe mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggibwako ebibi byammwe, era munaweebwa ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu," ekyo kye kisuubizo Kye. "Waliwo mu mmwe omulwadde, ayite abakadde b'ekkanisa. Bamusiige amafuta, era bamusabire. Okusaba okw'okukkiriza kunaalokola omulwadde, era Katonda anaamuyimusa." Ekyo kimala. "Mwatuliraganenga ensobi zammwe, mwekka na mwekka, era musabiraganenga." Otuukirizza Katonda bye yetaaga.

73 "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu; banaayogeranga ennimi empya; bwe banaakwatanga emisota oba bwe banaanywanga ekintu ekitta, tekiibakolenga kabi; bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga." Ekyo kimala.

74 Weekakase Katonda. Kakasa, nti mu mutima gwo, nti okkirizza nti ekyo Kigambo kya Katonda. Yobu bwe yali.

Mukyala we n'agamba nti, "Lwaki tomukolimira n'ofa? Ndaba, weeyongera kuba bubi buli kiseera."

75 Ekyo Sitaani nga ayagala nnyo okukikulaga. "Ndaba, tolinaawo njawulo na bwewali okuva lwe wasiigibwa amafuta. Tolinaawo njawulo na bwewali okuva ababuulizi abo lwe baakusabira. N'okusookera ddala, ababuulizi abo si batuufu." Omubuulizi oyo si ye nsonga. Ekikulu, kwe kukkiriza kwo mu Katonda omulamu. Si ekyo omubuulizi ky'ali; wabula Katonda ky'ali. Omubuulizi ssi ye yasuubiza; Katonda ye yasuubiza. Tekiri eri mubuulizi; kiri eri Katonda, n'okukkiriza kwo okukkiriza nti oyo Katonda. N'olwekyo weekakase Katonda. Kakasa nti ye Katonda, era nti ekyo Kigambo kya Katonda. Era Katonda ali mu Kigambo Kye.

76 Yobu n'agamba nti, "Oyogera nga omukazi omusirusiru." N'agamba nti, "Mukama ye yawa, era Mukama y'aggyewo; Erinnya lya Mukama lyebazibwe." Yali mukakafu nti waliyo Katonda.

77 Era olwafulumya ekyo mu kamwa ke bwati, okubwatuka ne kutandika okuwuluguma n'ebimyanso ne bitandika okumyansa. Katonda n'ajja n'alabika. Bulijjo kimuleeta n'Alabika. Yasirika okumala ebbanga ddene.

78 Ekyo ky'Akola. Tunuulira Abamerika bano aboolekedde ggeyeena, bannanfuusi abagenda obugenzi mu kkanisa. Ssisunguwade. Naye ekibi kinyiiza omuntu yenna ateredde ne Katonda. Ssisunguwalide ggwanga, ssisunguwalide bantu, wabula nnina obusungu eri sitaani aleetedde ebintu bino okuziba abantu amaaso.

79 Abasumba n'ababulizi bano abazibe b'amaaso n'abaleetera okuyinaayina n'enjigiriza eyagunjibwawo abantu. Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Era Katonda akuuma Ekigambo Kye. Mulaba nga abanafuya. Osaanye okakase nti waliwo Katonda. "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi gaakwo."

80 Mukazi wattu ono, omwavu, yamanya nti Yali Katonda. Eppipa eyo bweyakendeera, n'ekendeera, n'ekendeera, n'ekendeera, embeera ne yeeyongera okwonoonekanga, buli olukya. Naye Katonda y'abireka okubeera bwe bityo. Ekyo ayagala nnyo okukikola. Ayagala okugezesa okukkiriza kwo, alabe ky'ogenda okukola, akuleka ne bakusiiga amafuta n'osabirwa, olwo embeera yo n'agyongera okuba embi. N'agamba nti, "Jjangu, Sitaani, mugezese. Mmanyi anzikiriza." Katonda yebazibwe emirembe n'emirembe! O, bannange! "Kati mugezese. Mmanyi akkirizza Ekigambo Kyange nga bwe nnakyogedde." Ggwe ayinza okukwogerako bw'atyo?

81 Ekyo yakyogera ku Yobu. N'agamba nti, "Mukole kyonna ky'oyagala, naye totwala bulamu bwe, kubanga nkimanyi nti anjagala. Awaddeyo ekiweebwayo ekyokebwa. Atuukirizza ebisaanyizo. Akoze kye nnamugamba okukola, era akikkiriza. Kati oli wa ddembe okumukolokota bw'oba oyagala." Yamujjako buli kintu. Katonda yabikubisaamu emirundi ebiri bwe Yabimuddiza. Nkakasa, Ajja kukikola.

82 Agezesa okukkiriza kwaffe, okulaba oba ddala tukkiriza nti Ye Katonda.

83 Mukazi wattu oyo, ateekwa okuba yagamba, nti, "Nnasabye. Nnasabye. Mmanyi ndi Munnaggwanga atasaanidde."

84 Jjukira nti, Yesu yamwogerako mu Baibuli. Yagamba nti, "Tewaaliyo bannamwandu bangi mu nnaku za Eriya? Naye yatumibwa eri omu, ate nga yali Munnaggwanga."

85 "O," n'agamba nti, "nsaba." Oba oli awo, bwe yalaba akagaati ako akaali kasembayo, okufa kwaali kuyingidde mu wankaaki nga kutuuse ku luggi. Akamere ka lulya lumu, buli omu ku bbo, ye ne mutabani we bafe. Nkubamu akafaananyi nga mmulaba, ekiro kyonna, nga asaba, embuyaga ez'ebbugumu nga zikunta, n'ensi ng'ekaze nnyo, nga n'abantu

bakaaba nga balaajana mu nguudo. N'atambulatambula, mu nnyumba wonna. N'atunuulira katabani ke. N'atunuulira obugoye bwako obusulwamu; nga bwonna bulebera, n'obugere bwako nga busowoseeyo. N'atunuulira emikono gye, nga gifungaladde. N'atambulatambula nga adda eno n'eri, naye n'agamba nti, "Mmanyi nti Ye Katonda. Nnayatudde ebibi byange byonna. Nkoze buli kimu kye yeetaaga. Nsaba bulamu bwaffe, olw'ekitiibwa Kye." Katonda n'amulaba.

86 Abasigade baali bagenda mu mazina awantu awamu, nga beekolako, nga bwe balaba eby'omulembe ebilagibwa ku televizoni oba ekifaananako bwe kityo, nga beejeeguula n'ensi. Naye omukyala oyo yali mu kweyawula ne Katonda.

87 Obudde ne bukya. N'agamba nti, "Omuto yasuze akaabira eky'okulya ekiro kyonna. Olubatu olumu lwokka olw'obutta nnaalufumbamu ki?"

88 Omanyi, obutta obwo yali Kristo. Buli muyizi wa Baibuli akimanyi nti Kristo ye yali ekiweebwayo-eky'Obutta. Era obutta obwo bwaaseebwanga ku lubengo lwa mannyo ga njawulo, nabwo, okutuusa lwe lwayasaayasanga buli kaweke k'eŋŋano mu ngeri y'emu; kubanga Yesu Kristo aba bumu, jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era buli mukkiriza akkiriza ekyo era ku ekyo kw'awummulira. Alleruya! Oli wa ddembe okusigala n'eddiini yo gy'oyagala, enkadde empolu ey'okutuukiriza obutuukiriza emikolo. Naye nze, nzikiriza nti Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Nkinyweza mu nnamungi w'abakaafiiri. Nkyakkiriza nti Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

89 Amannyo g'olubengo gali gaaseeranga ddala buli mpeke mu ngeri y'emu, kubanga Aba bumu. Ye Katonda y'omu nga bwe Yali luli, bw'Ali kati, amakya ga leero. Bulijjo ajja kuba bumu. Ekyo obutta kye bwali butegeeza.

90 Ate amafuta gategeeza Mwoyo, nga bwe tumanyi okusinziira ku Ezekyeri 4, n'okweyongerayo. Eyo ye nsonga lwaki tusiiga amafuta; ye Mwoyo. Kye kiki? Nga mu njiri ya Yokaana Omutukuvu 4 nti, "Kitaffe anoonya abali ng'abo okumusinza mu Mwoyo ne mu Mazima." Yesu ye yali Amazima. Ye yali ekiweebwayo eky'Obutta, era amafuta gano ge gaali Omwoyo. Era Omwoyo, ng'atabuddwa wamu n'Amazima, biteekwa okubaako kye bireeta. Bigatte wamu, bikola omugaati. O!

91 Okukkiriza kwo kuli wa? Ekigambo kya Katonda bwe kibuulirwa mu ngeri Yaakyo ennyangu, weewawo mu Maanyi Gaakyo, nti Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, era Ekigambo ne kifuluma nga bwe Butta, olina Amafuta ag'okukitabulamu. Buyinza okuba nga bwa lubatu bubatu, oba nga gajjuza kajiiko bujiiko, naye, kyonna kye kiri, kya nnamaddala.

92 Kati kirindiridde ki? Kirindiridde musaalaba. Kirindiridde okwewayo nga ssaddaaka. Ekyo ky'olina okukola. Ekigambo bwe kiba nga kibuuliddwa, n'oddira Omwoyo na Kyo ne bitabulwa wamu, kuba kwewayo nga ssaddaaka okugaana buli bulumi, okugaana buli ndwadde, okugaana buli kintu ekikontana n'Ekigambo kya Katonda, n'okiyimirirako.

93 Omusawo agamba *kino, ekyo,* oba *kiri;* tekikola njawulo n'akatono. Kiyimirireko, kubanga Katonda ye yakyogera. Obutta buubuno. Amafuta ogalina. Obigasse wamu.

94 Kati, mpulira eddoboozi. Obudde nga bwakakya. Eddoboozi ne lyogera, nga ligamba nti, "Genda ebweru mu luggya ofuneyo enku bbiri." Okiraba nti, Ekyawandiikibwa kigamba "enku bbiri"? Omusaalaba. Alina obutta n'amafuta, naye agenda kuyitibwa, okukolerawo; abeeko ky'abikozesa. Byonna by'olina, Obutta n'Amafuta byonna bye weetaaga, naye olina okukola; nga wewaayo nga ssaddaaka.

95 Obuku bubiri. Edda tebaalina ngeri ya kukuma muliro esingako awo. Bw'oddira oluku n'olukiika ku lulala, n'okoleeza wakati, n'oseesaamu erudda n'erudda. Abayindi bwe baakumanga bwe batyo omuliro gwabwe. Nange ngukumyeko, emirundi mingi, ekiro kyonna. Oddira ekisiki, n'okitunuza *eno*, n'ekirala *eri*, n'osigala nga okisindika mu muliro nga bwekyaaka.

96 Oluku olwo gwe gwali omusaalaba. "Enku bbiri," Baibuli bw'egamba. Eddoboozi lyagamba nti, "Yita mu luggya onoonyeyo enku bbiri." Mu kiseera kye kimu, ku lusozi, waaliwo eddoboozi ery'abwatuka eri nnabbi nga ligamba nti, "Genda mu kibuga. Ndagidde." O, bannange! Bombi baagonda. Wateekeddwa okubaawo ekibaawo. Bombi baagonda.

97 Omubuulizi bw'abuulira Ekigambo, n'oyo akiwulira n'akikkiriza era n'akiteeka mu nkola, wateekeddwa okubaawo ekibaawo. Bw'oba oli mwonoonyi, ojja kulokolebwa. Bw'oba oli mulwadde, ojja kuwonyezebwa, kubanga Katonda yakisuubiza, bwe tuba nga tweekakasa Katonda.

98 Nga bwe kiri ekikakafu nti Ye Katonda, Ateekwa okukuuma Ekigambo Kye. Kikakafu! Kati ekiragiro kyali nti, "Genda mu kibuga, kubanga ndagidde nnamwandu." Okwolesebwa ne kujjira nnabbi. Wuuno ajja, ng'atambula. Tamanyi wa gy'alaga; naye eyo ssi nsonga. Ye agondera bugondezi.

99 N'omukazi enku tamanyi waanazisanga, naye waliwo enku bbiri awantu awamu ebweeru eyo. N'asimbula. N'agenda ebweru okwetooloola awaka. N'anonyanoonya, "Ha, nga ebbugumu lingi!" Oluyoogaano okuva mu kibuga, bakyalakimpadde b'ekiro nga bajja, nga eno bwe bagwirana, nga banywa emyenge gyabwe, n'ebirala. N'atunula wansi mu luguudo. N'atalaba kintu. N'azuula oluku lumu; ekitundu ky'omusaalaba, nga kwe kwewayo nga ssaddaaka. N'afuna

ekitundu ekirala, oluku. Era bwe yalonda oluku olwo olw'okubiri . . .

100 O, embeera eteekwa okuba nga yali mbi, okufa nga kuli ku luggi. Ye ne mutabani we baali basigazizza kulya katundu k'akagaati bafe. Ke kokka ke baali basigazza. Era ebiseera ebimu, wakati ddala mu nnaku, we tuwulirira eddoboozi.

101 Bwe yalonda oluku olwo olw'okubiri n'asimbula okuddayo, ne wabaawo eddoboozi eryogera nga lisinziira ku wankaaki, ne ligamba nti, "Nkimiraayo otuzzi mu kibya."

102 N'akyuka okulaba, ng'akutte enku zino ebbiri mu mukono gwe, n'obutta n'amafuta wamu nga biwedde okutabulwa. N'agamba nti yali amaze okubiteekateeka, nga abitabudde wamu. Ekyo kitegeeza nti, Ekigambo n'Omwoyo, birina okutabulwa awamu. Weyale ku musaalaba ogw'okweewayo nga ssaddaaka, okugaana buli kintu ekikontana ne ky'osabye. Ekyo kituufu. "Nabitabudde, kati ŋŋenda kunoonya nku zino."

Eddoboozi eryo ne ligamba nti, "Ndeetera ku tuzzi otw'okunywa, mu kibya."

103 N'atunula, n'alaba omusajja nga ayimiridde, nga yesigamye ku wankaaki, nga wa mba ntonotono, alina ebirevu, wa kiwalaata, ng'atunuulidde okwolekera wankaaki, nga yesibye akatundu k'eddiba ly'endiga akakadde. Ng'alabika nga omusajja omukadde omuntumulamu ow'ekisa.

104 N'agamba nti, "Nja kugabana naye amazzi gange." Amazzi ag'Obulamu, nga oli mwetegefu okugawa omuntu yenna, okubuulira omuntu yenna, okugenda awantu wonna. "Lindako katono, ssebo." N'asimbula okuddayo, n'enku mu mukono gwe.

105 Eddoboozi ne libwatuka nate nti, "Ssi kugabana ku mazzi go gokka, wabula ndeetera n'akamere mu mukono gwo." Omugaati gw'obulamu; amazzi ag'obulamu! Byali bya bulamu? Yali wa kufa amangu ddala nga biweddewo. "Ndeetera amazzi go ondeetere n'omugaati gwo."

106 Kiki kye tuzuula wano? Kya kuyiga ki kye tuyinza okufunawo? "Sooka onoonye Obwakababaka bwa Katonda, n'obutuukirivu Bwe bwonna; ebirala binaakwongerwako."

"Ndeetera otuzzi n'akatundu k'omugaati."

107 Awo n'akyuka, mu nnaku ye. Nsobola okumuwulira ng'agamba nti, "Ssebo," mu ngeri nga eno nti, "oli wa njawulo ku basajja be nnali ndabye, n'abasajja be nnali mpulidde nga boogera. Olabika nga by'oyogera obikakasa. Naye obutta bwe nnina bummala bumazi, bwa lubatu bubatu, n'akajiiko k'otufuta. Mmaze n'okubiteekateeka, era ŋŋenda kubifumba n'enku zino ebbiri. Era ŋŋenda kubirya, nze ne mutabani wange, tufe. Ekyo kyokka kye nninawo."

108 Kiki kye tuddako, awo, okuwulira? "Naye, nkimira akagaati, okusooka." Katonda, y'asooka. Ssi nsonga oba omulala yenna

agamba ki, oba kiki ekirala, oba bukakafu ki obw'engeri yonna, oba embeera erabika bubi etya, ka kibe kiki, kulembeza Katonda, okusooka. Ekigambo Kye, ky'oba okulembeza.

109 "Omusawo yagambye nti ssiyinza kuwona." Naye, Ekigambo Kye, kyenkulembezza. "Ndi mwonoonyi nnyo. Ndi malaaya. Ndi mukubi wa zzaala. Ndi mutamiivu."

Ekigambo kya Katonda, kye kisooka. "Ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira; ne bwe bitwakaala nga bendera, binaaba byeru nga eby'oya by'endiga." Katonda, y'asooka.

110 "Genda, ondeetere akagaati, okusooka. Byonna by'olina, bindeetere." Oli mwetegefu okubiwaayo mu mikono Gye?

111 Obulamu bwange, kyonna kyendi. Nnina emyaka ataano. "Oli mwetegefu, William Branham, okugiwayo Gyendi? Muli beetegefu, mmwe abaana abato, okuwaayo obulamu bwammwe Gyendi? Muli beetegefu? Musobola okukikola, mmwe abalwadde? Musobola okunneesiga? Munkulembeze."

112 "Ndeetera akamere mu mukono gwo, onkimire n'otuzzi." N'amutunuulira. Waliwo ekyamugamba nti omusajja oyo ategeera bulungi ky'ayogerako.

Katonda amanyi Ababe. "Endiga . . . Endiga zange zimanyi Eddoboozi Lyange. Zimanyi oba nga Kyawandiikibwa oba si kyo, oba kituufu oba si kituufu."

113 N'akyuka, mu buwulize. Ekyo ky'olina okukola. Era bwe yakyuka, okugondera nnabbi ky'amugambye okukola, ne wajja okubwatuka okuva mu Ggulu, buli muntu kwe yandyagadde okuwulira. Kubanga, wajja okubwatuka okuva mu ddoboozi lya nnabbi, buli mwonoonyi na buli mulwadde kw'ayaayaanira okuwulira, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA."

114 Nga tuyaayaana okukiwulira Ekyo! Engeri abantu gye banteega we nkyaamira awaka, ne baŋŋamba nti, "Jangu ku luggi bweruti. Muwala wange omwo *mwali*. Omwana wange omuwere, bambi, munafu nnyo. Yogera bwogezi kigambo." Oyinza otya okukyogera nga tekinnateekebwa mu kamwa ko? Ojja kuba nga ggwe okyogedde. Naye bayaayaanira okukiwulira nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA."

115 Ne lijja, okuyita mu lukomera, kubanga yali agonze. Era ennaku n'evaawo. "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Eppipa teriggwamu, n'akasumbi tekalikalira, okutuusa ku lunaku Mukama Katonda lw'alitonnyesa enkuba ku nsi." O, nga kubudaabudibwa!

116 N'akola omugaati. N'aguwa nnabbi. N'addayo ne yeekolera ye ne mutabani we. Ne balya era ne banywa, mu bungi, ku nsi.

117 Byava wa? Byatuuka bitya awo? Mu magezi ga ssayansi mbuulira obutta obwo gye bwava. Amafuta ago gaava ludda wa? Gaatuuka gatya mu kasumbi ako? Yakakalizanga, buli

ku makya. Yakalizanga eppipa y'obutta, buli ku makya, era yali njerere. Naye bwe yaddayo okwongera okusena, bwasangibwangamu. Bwava ludda wa? Twala Katonda ng'Ekigambo Kye bwe kigamba. Weekakase Katonda. Ye Mutonzi.

118 Oyinza okuba ng'obulamu bwo bukomye. Oyinza okuba nga okussa ekimu kwo tekukyaliwo. Mutwale ng'Ekigambo Kye bwe kigamba. Beera mukakafu nti Ye Katonda. Ebiseera eby'ennaku ebiriwo kati, biyinza obutalabika bubi nnyo ssinga otwala Ekigambo Kye n'okakasa nti Ye Katonda.

119 Mu Bugirimaani, olumu, nnalaba ekifaananyi, era kyansigala ku mutima. Omusiizi w'ebifaananyi Omugirimaani yasiiga e. . . ekifaananyi eki—ekiyitibwa "Ensi y'Ebire." Era bw'okirengera, ng'osinzidde wala, y'entiisa ey'ennaku gyewali olabye. Olaba bire ebigombaganye, bw'oba ng'obirengerera wala ko. Naye bw'okisemberera obulungi, kikyuka. Biwaawaatiro bya Bamalayika nga bibuukira wamu, nga bayimba zi alleruya eri Mukama. Bwetyo n'ennaku bw'ebeera ebiseera ebimu. Bw'ogirengerera, ewala, erabika bubi era nga ekutte kazigizigi. Naye twala Katonda ng'Ekigambo Kye bwe kigamba era obeere mukakafu nti Ye Katonda, ogisemberere, ojja kukizuula nti biwawaatiro bya Bamalayika nga bye bibuukira awamu.

120 Omukazi ono yafaananamu nga Ibulayimu bwe yali, bwe yalagirwa okuwaayo byonna bye yalina, abiteeke ku kyoto eky'ekiweebwayo. Oba oli awo naawe bw'otyo bw'olagiddwa, enkya ya leero. Leka amakubo go. Leka obutakkiriza bwo. Leka buli kintu ky'olina. Awo oddire Amafuta n'Ekigambo, obigatte wamu, obiteeke ku kyoto eky'okwewayo nga ssaddaaka. Ojja kukizuula nti, Bijja kuleeta Katonda okweyoleka, mazima ddala nga bw'ondaba nnyimiridde ku kituuti kino.

Kirowoozeko nga bwe tusaba.

121 Olina ekyetaago leero? Olina ekyeetago nga kinene nnyo mu buntu tosobola kukifuna? Essente ntono nnyo tezisobola kusasula bisale bya nnyumba gy'opangisa? Abaana beetaga engatto empya, ate nga tolina ssente za kuzigula? Eppipa ekalidde ewaka wo, n'akasumbi kanaatera okukalira? Tosobola kugulira bisolo byo mmere? Era, awo, waliwo ekikyamu? Jjukira nti, Yakola ekisuubizo.

122 Oli mulwadde, era nga omusawo agamba nti weetaaga kulongoosebwa? Tolina ssente za kukikola? Olina ekyetaago.

123 Oli mwonoonyi? Ekyetaago kyo kinene, nga omanyi nti singa Katonda akuyita, olwa leero, oba wa kubula? Oli muntu eyaddirira era adduka okuva mu maaso ga Katonda? Nga ate okimanyi nti oli wa mu kkanisa gundi, kyokka nga okimanyi nti toteredde? Okulumirizibwa kwo kwokka kukulumiriza, okusinziira ku Kigambo, nti toteredde. Era olina ekyetaago. Toganya bigambo bino kugwa ku ttaka ely'amaggwa, oba ku

lwazi, ku mitima emikalubo. Leka bigwe ku ttaka eddungi, eggimu.

124 Bw'oba nga oli mulwadde era nga . . . omusawo agamba nti toyinza kuwona, wabula nga osuubiza Katonda nti ojja kumuweereza ennaku zonna ez'obulamu bwo, era nga okakasa nti Ye Katonda, jjangu otuukirize bye Yetaaga. Bw'oba nga olina ekyetaago, osobola okusooka n'oyimusa omukono gwo eri Katonda, nti olina kye weetaga? Katonda abawe omukisa.

Ka tusabe.

125 Ai Mukama, nga bwe kiri ekikakafu nti nyimiridde ku kituuti kino amakya ga leero, mmanyi nti tewayinza kuyimusibwa mukono ku egyo egiyimusiddwa nga tomanyi, kubanga Ggwe oli Katonda. Wagamba nti, "Enkazalujja tebazitundamu amapeesa abiri? Mwe temusinga nnyo enkazalujja!" Tosingawo nnyo okulaba emikono gy'abantu abo abafa, Omwana Wo Yesu be yafiirira! Tosingawo nnyo okulaba emikono gyabwe okusinga enkazalujja, ssinga eba egudde amakya ga leero! Nsuubira . . . enkazalujja kkumi na bbbiri tezandivuddemu nnusu yadde emu enkya ya leero, kubanga tewali azeetaaga. Wandibaddewo omutawaana gw'okuziziika. Kyokka omanyi buli emu ku zo; Omanyi ebyoya byonna ebiri ku mibiri gyazo. Omanyi buli luviiri oluli ku mitwe gyaffe.

126 Ai Mukama, yanukula okusaba. Leka bakakase, amakya ga leero, nti Oli Katonda, era nti Mwoyo Wo. Leka ekikome n'okutangalijja kw'eddiini ey'omulembe guno bibaamuke, bwe bagamba nti, "Ha, ndi wa kkanisa *gundi*." Katonda, leka ekyo kive mu ndowooza zaabwe, kaakati. Mu kaseera kano akamu bwe kati, leka balabe Obulamu Obutaggwawo. Olwo babunoonye era balumwe enjala ku lwa bwo, okutegeera Katonda ky'ali, era nga bakakafu nti Waali. Akuuma Ekigambo Kye.

127 Eri omwonoonyi, leka beenenye mangu, beetegekere okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Era wasuubiza okubawa Omwoyo Omutukuvu. Wakyogera, Mukama. Otuukiriza ekisuubizo Kyo.

128 Waliwo eyaddirira omukakafu nti Ggwe Katonda, kyokka nga yakyaama n'akuvaako. Leka abali nga oyo bajje leero, kubanga Wagamba nti, "Ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyuufu, binaaba byeru ng'omuzira. Nga bitwaakala nga bendera, binaaba byeru nga ebyoya by'endiga."

129 Era oba nga waliwo abalwadde, leka bategeere nti Ggwe Katonda. Otuukiriza Ekigambo Kyo. Oteekwa okutuukiriza Ekigambo Kyo. Nga beewayo, n'Amafuta gaabwe, Omwoyo ali mu bo ayatula nti bakkiriza. Era, nate, wamu n'Ekigambo, Omugaati ogw'Obulamu ekibuuliddwa, Kristo; ogwaseebwa ku lwabwe, mu Ndagaano Enkadde; ne mu Ndagaano Empya, okulaga nti Aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Leka

batabule Ekigambo ekyo n'Amafuta, Omwoyo, oyo gwe bafunye, olwo balyoke bayimirire ku bigere byabwe mu maaso g'ekyoto, nga bagamba nti, "Kino kye nninawo, Mukama. Nkireeta."

O, nga Onakubisaamu! Nga kijja kuleeta Katonda ow'ebyafaayo okulabisibwa! Nga kijja kuyimusa Yakuwa, n'omutima ogwenyumiriza, nti, "Nnina omwana aŋŋondera. Mmuyisizza mu bigezo, era andaze nti anjagala era anzikiriza. Mukakafu nti Ndi." Kubanga kigambibwa nti, "Oyo ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nti Waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abanyiikira okumunoonya." Kituwe, mu kaseera kano, nga bwe tukitadde mu mikono Gyo.

130 Era, kaakati, nga tukotese emitwe gyaffe. N'abo abalina kyonna kye beetaaga, mbasaba muyimirire ku bigere byammwe, abaagala okuteeka . . . Kati, bw'oba tokakasa nti Ye Katonda . . . Bw'oba okakasa nti Ye Katonda, agenda kutuukiriza ekisuubizo Kye, obulokozi, okuwonyezebwa, ka kibe kiki, bw'oba okakasa nti Ye Katonda, yimirira ku bigere byo. Bw'oba olina omulala gwoyagala okusabira, yimirira ku bigere byo. Bw'oba—bw'oba okakasa nti Ye Katonda, leka bye weetaaga bimanyibwe mu kuŋŋaaniro ly'abatukuvu. Ekyo mukikola nga bwe muyimirira ku . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

"Ndi mukakafu nti Ye Katonda. Nzikiriza nti Akuuma Ekigambo Kye. Era nkakasa nti okusaba kwange . . . Nja kukuteeka wansi w'Omusaayi, kati kati." Bw'okola ekyo, ssa wansi buli kibi, buli . . . Ekibi bwe butakkiriza. Oyinza okuba nga oli mmemba w'ekkanisa, naye ntegeeza kibi, "obutakkiriza" bwo. Obuwaayo bwonna nga ssaddaaka. Ogenda kubuwaayo nga ssaddaaka. Ojja eri omusaalaba. Ogenda kuwaayo, kaakano, obutakkiriza bwo bwonna. Obuweeyo gy'Ali bwonna, era otegeere nti Waali, era nga okakasa nti agenda kwanukula. Bw'oba bw'otyo bw'oli, yimusa omukono gwo. Guleke gutyo.

131 Mukama, Ggwe Katonda. Gaagano Amafuta gaabwe n'Eŋŋano yaabwe, bitabuddwa wamu. Babireeta ku musaalaba, Omuliro gwa Katonda we gunakkira mu mitima gyabwe (bwe baba nga ddala kye bategeeza) gwokye ssaddaaka eyo. Ojja kukka olabisibwe, okyuuse embeera enzibu. Nga okka okuva mu Ggulu, mu ggaali ly'Omuliro. Ojja kunyeenya eggulu lyonna n'ensi, okubawa empeera.

132 Nga bayimiridde n'emikono gyabwe mu bbanga, ng'akabonero nti bakkiriza, era nti beeweereddeyo ddala mu bujjuvu, na buli kyetaago kye balina, ku kyooto Kyo kwennyini. Ai Katonda ow'Eggulu n'ensi, Omulamuzi w'Eggulu n'ensi, mazima ddala Omulamuzi w'Eggulu n'ensi ajja kukola obutuukirivu. Mazima ddala Ajja kukuuma Ekigambo Kye, Ggwe amanyi emitima gy'abasajja, emitima gy'abakazi, emitima gy'abantu bano.

133 Mukama Katonda, nnyimusa emikono gyange, kubanga mmanyi nti waliwo enkyukakyuka mu buweereza bwange kati. Era nzikiriza nti Oli. Nkulabye ng'Oyimirira eri mu Mpagi y'Omuliro. Nkulabye ng'Okebera ebyama by'omu mitima gy'abantu. Tewali mulundi na gumu Gwe wali olemereddwa. Wakisuubiza bwe wakikola eri, e busukka-kkubo wano, bwe Wali waakatandika okukola ebintu bino. Era n'Onkuumanga bulijjo okweetoloola wonna mu nsi, lugendo ku lugendo. Nkakasa Ggwe Katonda. Ekyo nkikakasa.

134 Nneewaayo awamu n'abantu bano, ne ssaddaaka y'ebyo byonna bye nnina, Mukama, gy'Oli, onkozese. Ntandika buto nate, Mukama, okwetoloola ensi yonna. Nnyamba, Ai Katonda. Bwemba nga waliwo lwe nnakubuusabuusa, nsonyiwa ebibi byange. Nsonyiwa obutakkiriza bwange. Mmanyi nti Wooli, era omugabi w'empeera eri abakunoonya.

135 Mu ngeri y'emu, njatula ebibi by'abantu bange, enkya ya leero, obunafu bwabwe n'okubuusabuusa kwabwe, nga bayimiridde n'emikono gyabwe mu bbanga. Njatula ebibi byabwe, Mukama, n'obunafu bwaffe bwonna. Tuma Omwoyo Omutukuvu atukkeko, n'akabonero akakakasa nti otukkirizza, nti Ggwe Katonda. Era Oli wano okutusembeza kaakati, n'okutuwanirira mu mikono Gyo, n'okutuddiza buli ekyali kyatunyagibwako. Bwe buba bulamu bwaffe, leka butuddizibwe emirundi kikumi. Bwe ziba mmeeme zaffe, leka zituddizibwe nga zaanye, zaakayakana, zijjudde Omwoyo Omutukuvu, okuleetebwa mu maaso ga Katonda. Bwe buba butakkiriza, leka kuddemu kutuddizibwe nate, Mukama, okukkiriza okujjawo ensozi. Kituwe, Mukama.

136 Tukkiriza nti otambula kaakano, nga Omwoyo Omutukuvu abuna mu kizimbe kino kyonna, ku bantu bano, ne mu mitima gyabwe, ng'abaleetera okukkiriza Katonda omulamu. Kino tukikola mu Linnya lya Yesu Kristo.

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Gwe Omwana gw'endiga ow'e Kalivaaliyo,
Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Jjawo ebibi byange byonna,
Era tondekanga okuwaba
Okukuvaako.

137 Okitegeeza? Okitoola? Wanika omukono gwo, ogambe nti, "Nkitoola kaakano. Mukkiriza."

Nga ntambula mu kizikiza ky'obulamu,
Nga enyiike enneetoloode wonna,
Beera Omuluŋŋamya wange;

Lagira ekizikiza kifuuke emisana,
Sangulawo okutya kw'obuyinike,
Era toŋŋanyanga okuwaba
Okukuvaako.

Leka tukoteke e mitwe gyaffe.

138 Oluvanyuma lw'Obubaka buno obukambwe, obukalubo; obukakali, era obubuuliddwa mu ngeri enkambwe, naye nga ge Mazima. Era bwoba okkiriza ky'osabye n'obuwoombeefu, nti okifunye, tokkirizanga ekintu kyonna okukujja mu kkubo eryo eggolokofu. Yimirira awo wennyini. Ka mbuulire ntya, nga bwe nsobola, oba omuntu yenna nga bw'asobola, tekijja kukugasa okutuusa ng'okikkiriza nti kikyo kya bwannanyini.

139 Bw'oba okikkiriza n'omutima gwo gwonna, kyonna ky'oyaayaanira, bw'oba oyatudde ebibi byo, Katonda akusonyiye. Toddamu kukibuusabuusa. Bw'oba nga waddirira, okomezeddwaawo, amakya ga leero. Bw'oba weetaaga Omwoyo Omutukuvu, batizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byo. Ekyo ky'Ekigambo kya Katonda. Tagenda kukikyusa kulwa kkanisa n'emu, kibiina kya ddiini nakimu, oba olw'omuntu yenna. Bwekityo bwe kiteekwa okubeera. Tuteekwa okutuukiriza ebisaanyizo Bye, so ssi bisaanyizo by'ekkanisa, bisaanyizo Bye. Ebyo bye tuteekeddwa okukola.

140 Yagamba nti, "Okusaba okw'okukkiriza kulirokola omulwadde." Bw'oba oli mulwadde, nkusabidde okusaba okw'okukkiriza. Naawe okusabye mu mutima gwo. Era kukkirize, kutwale, era kunyweerereko obutasagaasagana. Kijja kubeera bwe kityo. Tewali kiyinza kukijjawo, si nsonga embeera ya kibululu etya.

141 Ogamba nti, "Naye, ndabika nga akyali omulwadde." Ekyo teki . . . Ebyo biwaawaatiro bya Bamalayika nga bibuukira wamu. Kyekyo. Oyo Katonda mu ndabika ey'omukisa. Kirabika ng'ekibululu gyoli. Gisembereereko kumpi oddemu ogitunuulire, olabe oba ssi Katonda y'ayimiridde awo, nga akuuma Ekigambo Kye.

142 Kati nga tukyakotese emitwe gyaffe, olukuŋŋaana ŋŋenda kuluddiza Ow'oluganda Neville, omusumba waffe.

Weekakase Katonda LUG59-0125
(Be Certain Of God)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku makya ga Ssande, nga 25 Jjanwali, 1959, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org